Ssenga Wa Bukedde Awerebwe!

Posted by Meli - 2007/08/07 10:44

Abantu bangi laavu bagyagalamu ku katinko

Hajati Janat Ssempala

WALIWO abantu abaatondebwa nga balina akatinko mu mukwano ate ng'abalala tebakalina kyokka nga nabo basobola bulungi okulaga abaagalwa baabwe amapenzi. Byeyongerayo...

Mukyala wo bw'aweza emyaka 40 tomusuulirira

AKABOOZI y'emu ku mpagi enkulu ezifuga obufumbo era abaagalana bwe balemwa buli omu okumatiza munne ng'olwo obuzibu buzze. Byeyongerayo...

Bakoze ekisawo ekigezza obusajja

MU kaweefube w'okunyumisa ekigwo ky'abakulu, bannassaayansi mu Amerika bakoze ekisawo omusajja ky'ayambala ne kyongera ku sayizi y'omusekuzo. Byeyongerayo...

Baba n'ekyejo mu buliri

OMUSAJJA aludde mu kisaawe ky'omukwano atunuulira butunuulizi omukazi n'amanya kiki ky'ali bw'amutwala e Namboole. Byeyongerayo...

Tunoonya banaatuwasa

NNEDDIRA nte era mbeera Kansanga. Nnoonya mwami ali wakati w'emyaka 28 - 40, nga mwetegefu okukola omukwano ogwannamaddala. Byeyongerayo...

Towaliriza kwegatta nga munno ali mu nsonga

EBISEERA ebisinga ekigendererwa ky'akaboozi kuba kwesanyusaamu naye ate abalala bavaayo bakeekokkola. Byeyongerayo...

Omukwano ogutinka nga muto gufa mangu

OMUKWANO gulinga busungu buli omu bumukwata bubwe. Byeyongerayo...

Genderera gw'obuulira ebizibu byo - Abamu bakwabuzi

ENSANGI zino abawala n'abakyala bangi bagudde ku kibambulira ky'okukwanibwa abasumba gye babeera bagenze okubabuulira ku bizibu byabwe. Byeyongerayo...

Bannange, eno family newspaper or what? Gano amawulire ssi Taata galekawo ku mmeza nabaana nebasoma?

Baatugamba nti ensonga za Ssenga kazive mu kisenge, tuwabulwe ku by'obulwadde obwajja! Wabula kati ate tulaba nabatannatuuka bagunjulibwa mu bukaba, ensonga y'okutangira obulwadde yaviibwako dda. Ate ebintu ebimu ssi nabituufu! Ebisigadde temuli kyamagezi kizimba myooyo mu nsi enyonta nga eyaffe. Nze ndowooza omuntu yenna ali mu ngatto za senga, okussa emboozi bweziti mu mawulire agekika kino, kimala okulaga nti talina bisanyizo. Ssenga ono awerebwe.

==========

Re:Ssenga Wa Bukedde Awerebwe!

Posted by saava - 2007/08/08 01:46

Meli kyoyogelako kituufu nnyo, nzijukila namawulire gennyini gaali gegunjulidde okunoonyanga abegiliisa ngabali bukunya, oluusi nga bagamba nabakyaala okusitama nebababakuba ebifananyi nebabissa kumuko ogusooka, bwebabagambako kati tebakyabileeta nnyo kati awo nebalekera ssenga neyemala eggogga, mulimu oluusi lwosoma ebintu ngatoyinza nakikkiliza nti oli yakubyeewo agagaambo ago gonna nabuli kimu kyonna mu details obisoma olabiliza ,kyokka nga eka bili awo mulujjudde kwaabo bonna ababitegeela nokusobola obbisoma nga toya wudde myaaka . Kati balinga abali ku competition no bukaba bwo ku internate . naye oluusi ensonyi bwezigenda ziggwa mubantu omulugube neguyingila awo negubula asala

==========

Re:Ssenga Wa Bukedde Awerebwe!

Posted by Meli - 2007/08/09 15:05

Naye mabtegeeza nnewunya nnyo Abaganda abalina abaana , nadddala abali ebweeru okulaba angeri gyemutafa ku nsi abaana bammwe gyemubalekera. Nnalina emyaka kumi nebiri, senga wange nagamba nti tomusendebwa sendebwa nakwelowooza nti oli wa waggulu kubanga omusajja agambye akwagala kuba oli muto. Obuto ssi ye ggwe, eyo phase oyitamu mpite. Nekakuyisako nabo baliko abato. Kyebagala ssi kyekikulu, wabula ggwe kiki kyoyagala. Obulamu bwo bubwo, kyonna kyobuteekako kibe kutuufu eri Katonda wo, ggwe, n'egwanga lyo.

Nabuli kati nkyabijjukira, era bizannye role neene mu ngeri gye mpita mu bulamu bwange. Oyo Senga wammwe owa Bukedde, kiki kyasomesa ekiyamba abaana okutambula mu bulamu? Oyo kafankunaye owobuwemu ate obwekikyaafu, nga temuli nabutuufu. Okuwuwunaza obuwuwunaza abaana!Oyo senga yekobanye ne slim, nabayimbi abamu bamalewo Obuganda? Ekyebuzibwa, ani amusasula?

==========

Re:Ssenga Wa Bukedde Awerebwe!

Posted by luutu26 - 2007/08/09 16:20

MELI SENGA WA BUKEDDE SIMUBI NZE NGA OMU MWAGALA NYO KUBA ABANTU ABENJAWULO BOGERERAMU OBUZIBU OBUBATUSEKO MUMUKWANO NOBULAMU OBWABULIJO ATE AYINA BINGI BYAYIGIRIZA ABAFUMBO.

==========

Re:Ssenga Wa Bukedde Awerebwe!

Posted by Meli - 2007/08/09 17:40

Luutu26 mwana wa nyabo, nsonyiwa obwedda sinnakutegeera, oli Sekasakirizi! Oyagala kunkutula binywa. Naye nno engeri gyenkutegedde, ojja kukutula bya mulala. Simanyi Mike yakusasula? Meli oyo alina amatama mangi, genda ogamujjemu empewo!!! Heheheheh, munsanze ndaba!

Naye nga sinabunira, biki oyo senga mmwe byabayigiriza abafumbo? Nti omukazi omumpi abeera ne nabunnya mpanvu? Cow dung! Yasomera wa anatomy, ne pshysiology ebyamutegeeza ebyo? Bafumbo bawa abali serious, nga buli ayogeera gwebagenda naye? Abantu bayige okusoma ebitabo ebisomebwa abangi, kuba oli yelowooza nga tanata mboozi. Ffe abakazi ffe twabeera ne ba senga, tebogeera ebyo. Senga muntu wa family, kuba omusaayi gwaabwe agumanyi, nobunafu bwaabwe. Senga we ggwanga abeera alina degree mu psychology. Ate nabo bakola bangi, kuba bamanyi nti abalala babatunulidde. Kasita otuuka okubuulira oyo Senga obuzibu bwo ng'omanya nti eyakwaluula esiridde. Nga omanya nti togenda kutereera. Ensonga enkulu; ate olwo abaana ababisoma mubakoze mutya?

Njagala okukutegeeza, nti bino ebintu ebiri ku internet, tebisomebwa Baganda oba nannaUganda bokka. Nabensi endala abagala okutumanya babiyitamu. Okuswaala okuli awo!!!! Kyebava batuyisamu amaaso nebatamala. Ntegeeza, mu Bungereza mwonna mulimu family newspaper ewandiika ebyo? Mu America eriyo?

Naye Senga mmwe bwemuba muwagala lwaki taddayo eri mu kitabo kyekyama, nayogeerera ggwe eyo kazambi we? Wakiri nalemaza abakulu bokka ate abeyagalidde. Mutagaze nnyo abaana, munalaba Mukama tabokyezza omuliro nga gweyayokya Sodoma ne Gomola!!

==========

Re:Ssenga Wa Bukedde Awerebwe!

Posted by luutu26 - 2007/08/09 18:03

Meli senga singa yali mubi singa abantu tebakyamusoma nakuwagira bukedde waliwo olupapula olwamawurire lwebayita nga KAMUNYE nga lufulumya nabali abukunya abantu baluzira era ne lugwa telukyatunda naye bukedde wa senga akyaliwo era abantu bangi ekampala awulira bebuza wasomye kusenga wa bukedde?

==========

Re:Ssenga Wa Bukedde Awerebwe!

Posted by Meli - 2007/08/09 18:12

Ne Sodoma ne Gomola ebyobukaba bonna babigendangako, Mukama kyeyava abookya. Okuba nti abangi bakikola si kwekuba ekituufu. Lwaki ku bibuuzo byenkubuzizza tewali kyozzemu? Abafa ku baana bwebalituura mu bifo byaabwe, nkulagudde, Bukedde agenda kufuuka, Buzibye.

==========

Re:Ssenga Wa Bukedde Awerebwe!

Posted by luutu26 - 2007/08/09 18:15

---

meli ngenze kwebaka ompitiridekooooooooooooo

==========

Re:Ssenga Wa Bukedde Awerebwe!

Posted by cusar - 2007/08/09 19:18

Nedda bambi kino kikyamu nnyo ddala okulowoozanga nti okutta ekintu oba okukiwera lye kuba lyo kutereza ensonga nedda.Bwe waba waliwo ekisobye yamba buyambi okutereza ffenna tuyamba bantu baffe.Ate teri amanyi byonna mu nsi muno.No mugezi awaba. Website eyawerebwa yali yetaaga kujjamu bibi ebyalimu ne batereza butereza.Ddembe lya muntu era lya buntu okukola kyayagala. Omanyi website eyo nayo yalina ekirungi ky yali eyamba kuba bangi abantu be bweru bsomanga ne bamanya nti e Uganda eriyo ebijujulu ebirungi naye ekyokubeera obukunya ekyo kikyamu era kyali kituufu singa bajamu ebifananyi ebibi ne batereza enyambala singa osanga abantu bangi balisobodde okulaba ebyana ebirungi era ne bajja e uganda ne babiwasa.Awo tuba tufunamu dollor kuba buli muko aleeta waffe uganda.Okuwera ssenga sikiwagira tumusabe alongosemu mu bikyamu tugende mu maas. Tulina okukula era tugende mu maaso. Mwebale nnyo mwenna aba connect radio naye singa nammwe munabako kye musobya nga tugamba nti babawere .NEDDA NEDDA ekyo kikyamu. Tuyambagane nga abazungu bwe bayambagana era kwe kulaba nti bagenda mu maaso era batuleka ddadda. Akuume.wangala senga ne connect radio. from cusar.

==========

Re:Ssenga Wa Bukedde Awerebwe!

Posted by Meli - 2007/08/09 19:41

Mukulu Cusar, simanyi oba oyiseko mu biri waggulu, naye sinnaba kugamba nti senga ono awerebwe mu gwanga aveemu, awangangusibwe. Nze njogera kumuwera mu Family Newspaper. Era nsabye ofune yo ku example eyensi endala nga ezo eza bazungu boyogerako, erina ebintu ebifanaana bwebityo mu mawulire agayitibwa aga family. Wabula

waliwo magazines ezabakulu,enka, omuntu gyayinza nokwekisiza, ezobukaba obwa buli langi. Senga ono agende akolere eyo emirimu gye. Tulina kati obuzibu bwa slim, twandibadde tufuba abaana abazalibwa leero nebasanga nga wakiri waliwo obwekwaamu. Nabato abakyaali nebayambibwa okuva buli ludda mu kwekuuma. Nkakasa nti ndi mutuufu, era nga nsinziira ne ku bannange bangi abafudde bwetwasoma nebwetwazirunda, mu myaka emito ddala. Kale nga abamu baleese nakaana nga kamu. Nsonyiwa, mu ngeri yange, obwana bwa bannange obwo bwennwaniriira, bbwo bubewo!! Ekirala, Connect Uganda terina musango, byempandiika byange Meli, nze mbirinako obuvunanyizibwa. Nze siri mukozi wa Connect, ndi muntu buntu eyajja wano okuwa bannansi bannange obulowoozo bubili busatu. Ssi kya bwenkanya okuva ku ludda lwo okugamba nti connect newelebwa... Oba oyagala, gamba nze mperebwe. Nja kuwuliriza argument zo. Bwezinabeeramu omulamwa, nyinza nokwanguyiza, nennewera nzekka.

==========

Re:Ssenga Wa Bukedde Awerebwe!

Posted by saava - 2007/08/09 21:13

Nze mukulaba kwange Meli kyayogelako nage nze nasooka okyebuuza, nti ddala ensoonga ezimu eziletebwa nezinyonyolwa in details awatali kuluma mukigambo zandifunye akatabo kaazo, nga bwolaba abeelu bwebalina obwobukaba obulaga nokumoggola buli kigambo nga bwekyakula. Mukulu Cusa nakati eka abantu bakyabasiba, oba obbagoba mubifo kuwemula .Okuwemula tekitegeeza muntu kuyita kitundu linya lyaakyo mulujjudde naye neeno engeli omukyaala ono bwabinnyonyola, tukiliziganye nti naawe kenyini bwooba muzadde toyinza kusomela mwaana wo bintu bino . Ate oba wano mubeeru namasomero gamala kusaba lukusa abaana obayigiliza topics nge zikwaata ku aids mu masomero, gwe olowooza baba tebakimanyi nti zino internate ezaggya zasomesa dda abaana obukaba,naye out of politeness, kati bwooba toyagala mwana wo bimuyigiliza nogaana, era essaawa bwetuuka bamugamba nti ogila ofulumako wabweeru . Naye kati ewaffe okkopa ebyabeeru abaatalina buntu bulamu nokwagala ennyo sente teli akyaafa ku kiki ekiletebwa eli abamtu, njagala nkutegeeze mukusooka ssenga yalinanga ensonyi era ngagaamba nti kino kimpitiliddeko enyinyonyola nkubila essimu nkudde . Obwo bwetuyita obuntu bulamu naye sikwagala lupapula lutunde mbu kuba abantu besunga empemuzi lwaaki tebakiyitila ddala kwalula balongo nogula nga kyeekyo kyosubila okusinga okwekweeka mussenga nzendowooza okubululiiila kube kwokka nempemuzi bagiwe olupapula lwaayo mungeli yonna bajja kkola ssente.

==========

Re:Ssenga Wa Bukedde Awerebwe!

Posted by Meli - 2007/08/11 09:48

Cusor yalaze wa? Jangu twongere okunyumya! Bwetutakkiriziganya mu kino tunakkiriziganya mu birala, tewekweeka!

==========

Re:Ssenga Wa Bukedde Awerebwe!

Posted by cusar - 2007/08/11 18:45

Kati nkutegedde nti naawe okirizza nti Ssenga si mubi naye ali mu lupapula olukyamu ekitegeeza nti byawandiika bilungi naye mwe bifurumira we wakyamu.Ekyo bwe kiba bwe kity, then awo afune olupapula olulwe oba magasine eyiye kuba naawe okkirizza nti byawandiika waliwo bangi ababyala naye babifunire mu katabo kalala si mu Bukedde.Ekyo kitegeeza nti ebika bibeere mu magasine kati wano mu bukedde muberemu ebisomeka abantu bonna.Biri ebika bibeere awalala.Naye lwaki ba editir ba bukedde bo babikiriza okufuruma, abo nabo baakoola ensobi nabo bagambeko.Naye ebya ssenga bwe binagenda mukatabo ka bakulu bijja kunyuma nnyo ddala.Kuba ddembe lya buli muntu okusoma kyayagala bwe kiba mu kifi oba mu katabo akatuufu.Ssenga awo genda mu maaso owandiike byoyagala kuba bangi abagala okubisoma naye si mu mawulire agasomwa abato naye biteeke mu butabo bwa bakulu kuba bangi babyagala nnyo ddala ate birungi nnyo ddala ete biyiriza nnyo ddala era bijja kuyamba abagalana bangi ddala.webale mnnyo ddala.Mukama akukuume er wangala nnyo ddala. Ababadde bagamba nti cusar yadduse nedd ,cusar abadde busy nnyo kuba akola nnyo ddala.Tulina okuyambagana.Akuume.cusar

==========

Re:Ssenga Wa Bukedde Awerebwe!

Posted by Meli - 2007/08/12 20:21

Cusar abeewo eh, Meli abeewo eh, connect ebeewo eh, Senga mu mawulire aveemu eh, akole ekitaabo abeewo eh,

nabaana babeewo eh, n'okubaawo kubeewo eh!

==========

Re:Ssenga Wa Bukedde Awerebwe!

Posted by Kalibattanya - 2007/09/04 21:56

Amawulire gayamba abaana okugaziya olulimi

Abaana bwe baweebwa omukisa okusoma ebintu eby'enjawulo kibayamba okugaziya olulimi lwabwe. Kino tekiteekeddwa kukoma ku bitabo byokka, wabula n'amawulire. Bano abaana baasangiddwa Wakiso nga basoma amawulire ga Bukedde.

Published on: Tuesday, 4th September, 2007

Awo Senga mmwe Bukaba Bulinzita yalagiddekoko nekifaananyi kya baana nga basoma amawulire, ndowooza nga ga Bukedde, ki muko gwe gwenyini ogulimu neleero abakazi ebeebuza lwaki bafumbo begatta ne ba bbaawe naye nga tebatukanga ku ntikko!! Kino kibambulira kya mukazi, wamu nabakubi bamawulire agatalina buvunayizibwa bwonna.

==========

Re:Ssenga Wa Bukedde Awerebwe!

Posted by luutu26 - 2007/09/05 10:24

Buuza Ssenga ku Box 4211,K'LA

Situuka ku ntikko

NNINA emyaka 30 era ndi mufumbo, wabula okuva lwe nnatandika okwegatta situukangako ku ntikko. Kino kirabika kiyisa bubi baze. Ate ssaagala kumulimba nti mmaze. Kino kiva ku ki? Era nkole ntya?

ON e Kasangati

ABAKAZI bangi tebamala era kino kiva ku bintu bingi, gamba ng'okukyeraliikirira, okutya ebyokwegatta, munno obutamanya kunyumya kaboozi n'ebirala. Weetaaga okulaba omukugu w'ebyokwegatta akunnyonnyole ekiyinza okuba nga kye kikulemesa. Kuba 0772455645.

Nkole ki okufunda?

NNINA abaana basatu naye mpulira ndi mugazi nnyo. Baze ang'amba takyawoomerwa bisoobooza kubanga simunyweza nga bwe kyabanga.

TN e Kabojja.

NG'OLABYE n'ekizibu kino. Waliwo ensonga nnyingi ezireetera abakyala okugaziwa mu mbugo nga muno mwe muli n'obutatungibwa bulungi oluvannyuma lw'okuzaala, ate abamu oluusi tebatungibwa. Ekirungi nti osobola okuvvuunuka ekizibu kino singa olaba omukugu mu nsonga z'abakyala. Gendako e Naggulu Health Centre bajja kukuyamba. Ne mu ddwaaliro ekkulu e Mulago bajja kukusalira amagezi.

Published on: Tuesday, 4th September, 2007

==========